# Olugendo lw'okudda mu World Cup Uganda erutandikidde ku DR Congo



ISMAIL MULANGWA

Owen Mukisa

Bya HUSSEIN BUKENYA

**Leero mu U-17 e Morocco;**

**Ivory Coast - Cameroon, 10:00**

Uganda - DR Congo, 1:00 akawungeezi

OLUGENDO oluzza ttiimu y'eggwanga ey'abali wansi w'emyaka 17, (Cubs) mu World Cup, erutandika leero e Morocco.

Ettunka ne DR Congo mu mupiira oguggulawo ekibinja B mu AFCON y'abali wansi w'emyaka 17. Zino mwe munaava ttiimu 10 ezirikiikirira Afrika mu World Cup e Qatar wakati wa November ne December.

Amawanga 16 gassiddwa mu bibinja 4 e Morocco nga ttiimu 2 ezinaakulembera buli kibinja zaakuyitamu butereevu okuzannya World Cup ate endala 4 ezinaasinga mu kyokusatu zirwanire ebifo 2 okuweza ttiimu 10.

The Cubs emaze wiiki nnamba mu nkambi e Morocco gye yeegerezzaamu ne Mali ne Mozambique n'eziwangula. Omutendesi waayo, Munnaghana Laryea Kingston yagambye nti beetegese bulungi okutandika n'obuwanguzi kuba bakimanyi nti okugenda mu World Cup kye kyokka ekyabatwala e Morocco.

"Mali ne Mozambique zaatuwadde ekifaananyi ekituufu ku ttiimu. Tulina obusobozi obukuba DR. Congo," Kingston bwe yategeezezza eggulo. Cubs eduumirwa Owen Mukisa owa Vipers Junior Team.

Uganda eri mu kibinja B ne Cameroon, Ivory Coast ne DR. Congo. Mu z'omwaka oguwedde era ezaali e Morocco, Uganda yakwata kyakusatu mu kibinja n'ebeera mu ttiimu 2 ezaaweza 10 ezaakiikira Afrika e Qatar.